**11th/04/2021**

**1 ABASESSALONIIKA 5:12-15 - TUSOBOZESE BULI MUKKIRIZA OBUTABA NA KYAKUNENYEZEBWA**

Mu kitundu kino tugenda kulaba enkolagana yaffe n'abaweereza awamu n'abakkiriza nti erina kuba yaakuyamba buli omu kuffe okweteekerateekera okudda kwa Mukama waffe Yesu nga tetuliiko kya kunenyezebwa.

Vs12, 13 Enneeyisa eri abakulembeze

Vs14-15 Enneeyisa eri ab'oluganda

**Vs12, 13 Enneeyisa eri abakulembeze**

Pawulo, Siira ne Timoseewo bakubiriza n'okwegayirira abakkiriza e Tesaloniika okumanya abaweereza mu Kkanisa era abalina obukulembeze mu bo mu buweereza bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Ababawa okulungamizibwa (abababuulirira) mu ngeri y'okutambula mu bulamu bw'obulokozi.

**1 Abakkolinso 16:15, 16** ***"Abooluganda, mumanyi nti Mu Akaya ab'omu nnyumba ya Suteefana be baasooka okukkiriza Mukama waffe, era beewaayo okuyamba n'okuweereza abantu ba Katonda. Kale, abooluganda, mbasaba muwulirenga abantu ng'abo, era na buli omu afube okukoleranga awamu nabo."***

**1 Timoseewo 5:17** ***"Abakulembeze abafuga basaanidde okuweebwanga ekitiibwa kingi, na ddala abo abanyiikira ennyo mu kubuulira n'okuyigiriza ekigambo kya Katonda."***

Bakubirizibwa okubassangamu ekitiibwa mu kubaagala olw'okubanga nti bakola omulimo gwa Katonda mu bulamu bwabwe.

Ekitiibwa ekibagambibwa okuwa abakulembeze kyekyo ekitali kya nnaakola ntya wabula ekiva mu mutima ogulimu okwagala ewatali bukuusa.

**Abafiripi 2:25-30** ***"Era ndabye nga kisaanye okubatumira owooluganda Epafuladito mukozi munnange, era mulwanyi munnange, naye ate nga mutume wammwe, omuweereza ow'eby'obwakabona ow'eby'etaago byange, ayagala ennyo okubalaba, mwenna, eyeeraliikirira ennyo olw'obutabalaba, kubanga mwawulira nga yalwala. Ddala yalwala era yali kumpi n'okufa. Kyokka Katonda yamusaasira, naye era teyasaasira ye yekka, wabula nange yansaasira ennaku n'eteenneeyongera. Noolwekyo nayagala nnyo okumutuma gye muli mulyoke musanyuke okumulaba nate, ekyo kikendeeze ku nnaku gye nnina. Kale***

***mumwanirize nnyo n'essanyu lyonna mu Mukama waffe, era abantu abali ng'oyo mubassangamu ekitiibwa, kubanga yabulako katono okufa ng'ali ku mulimu gwa Kristo, ng'akola ebyo bye mwandinkoledde singa mwali nange."***

Era babasomesa okubeera abakkiriza abalina emirembe buli omu eri munne nga tebalina bukuubagano bwa ngeri zonna bubo.

**Makko 9:50** ***"Omunnyo mulungi, naye bwe guggwaamu ensa, guzzibwamu gutya obuka bwagwo? Noolwekyo mube n'omunnyo mu mmwe era mubeerenga n'emirembe buli muntu ne munne."***

**Zabbuli 34:14** ***"Lekeraawo okukola ebibi, okolenga ebirungi; noonya emirembe era ogigobererenga."***

**Abaruumi 12:18** ***"Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna;"***

**Vs14-15 Enneeyisa eri ab'oluganda**

Pawulo, Timoseewo, ne Siira basomesa abakkiriza mu Tesaloniika engeri y'okweyisaamu eri ab'oluganda/ abakkiriza abalala.

- Okulabula/ okuwabula/ okubuulirira/ okunenyanga abakkiriza mu bo abatatambula nga bwe baalina okutambula mu bulokozi/ abagayaavu/ abatuula obutuuzi/ abatafaayo.

**2 Timoseewo 3:16-17** ***"Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu, omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi."***

- Okugumya abalina omwoyo omunafu/ abalimu okutya/ ab'emitima emititiizi.
- Okuyamba abatalina maanyi/ okiyimusa abanafu okubaggya mu bunafu.

**Abaruumi 14:1** ***"Mwanirizenga omunafu mu kukkiriza, nga temumusalira musango."***

**Abaruumi 15:1-3** ***" Ffe abanywevu kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatali banywevu, so si okwesanyusa ffekka. Buli omu ku ffe asanyusenga muliraanwa we mu bulungi olw'okumuzimba mu kukkiriza. Kubanga ne Kristo teyeesanyusa yekka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Ebivume by'abo abaakuvuma byagwa ku nze."***

- Okugumiikiriza abantu bonna

- Obutaba na muntu  yenna mu bo awalana/ asasula ekibi olw'ekibi/ okwewala okuwoolera.

__Engero 20:22__ ***"Toyogera nti, "Nzija kukusasula olw'ekibi kino!" Lindirira Mukama alikuyamba."***

__Abaruumi 12:17-21__ ***'Temusasulanga kibi olw'ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna. Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna; abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula," bw'ayogera Mukama. "Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe." Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi.'***

__1 Peetero 3:8-12__ ***"Eky'enkomerero, mwenna mubenga n'emmeeme emu, buli omu alumirirwenga munne, era mwagalanenga ng'abooluganda ddala, mub enga ba kisa era beetoowaze.Temuwooleranga ggwanga. Abavumye, mmwe temumuvumanga. Wabula mumusabirenga mukisa, kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke muweebwe omukisa.Kubanga ekyawandiikibwa kigamba nti, "Ayagala okufuna obulamu n'okubeera mu ddembe, aziyizenga olulimi lwe okwogera ekibi, n'emimwa gye okwogera ebyobukuusa. Era yeewalenga okukola ebibi, akolenga ebirungi. Anoonyenga emirembe era atambulirenga mu gyo. Kubanga abatuukirivu Mukama abatunuulira n'ekisa, n'amatu ge gawuliriza bye basaba. Kyokka aboonoonyi abatunuuliza bukambwe."***

Bulijjo okugoberera/ okukola ebirungi/ okunoonya omwagaanya okukola obulungi eri abakkiriza n'abatakkiriza.

__1 Peetero 3:11__ ***"Era yeewalenga okukola ebibi, akolenga ebirungi. Anoonyenga emirembe era atambulirenga mu gyo."***

Pawulo asomesa abakkiriza bano okuba ab'obuvunaanyizibwa mu bulamu bwabwe obw'obulokozi era entambula yabwe ereme kwesittaza muntu n'omu mu bakkiriza n'abatakkiriza.

__2 Abasessaloniika 3:11-15__ ***"Kyokka tuwulira nti Mu mmwe mulimu abagayaavu abatayagala kukola, aboonoona ebiseera byabwe mu kusaasaanya eŋŋambo.Mu linnya lya Mukama waffe, tubeegayirira era tubakuutira abali bwe batyo, okukolanga emirimu n'obunyiikivu n'obuteefu balyoke balyenga ebyo bye bakoleredde. Naye mmwe temukoowanga kukola bulungi abooluganda abaagalwa. Era omuntu yenna bw'atagonderanga biragiro byaffe mu bbaluwa eno, oyo mumwetegereze, muleme kukolagananga naye, ensonyi ziryoke***

***zimukwate. So temumuyisanga nga mulabe wammwe naye mumubuuliririrenga ng'owooluganda eyetaaga okulabulwa."***

Kitugwanira okuba abagumiikiriza eri buli muntu, okunoonya okukola obulungi buli omu eri munne, okubuulirira mu kwagala abo betulaba nti bakyamye mu ngeri yonna.

Ekitukoza kino kituweebwa mu bbaluwa eno yennyini (5:23); tusangibwe nga tetuliiko kya kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu.

Ffe bwe tukola ekitugwanidde tetujjaa kubaako kya kunenyezebwa naye ate tuyamba abalala okusangibwa nga nabo tebalina kya kunenyezebwa.

Olwo abo abayambibwa ne balema ku kitwala nti tubayigganya oba tubasalira emisango naye nti tuli ku mulimo gw'obatereeza basangibwe nga tebaliiko kya kunenyezebwa.

Emirundi mingi enkolagana zino ziremesebwa kubanga abazikola bangi tebazikolera mu kwagala wamu n'amagezi. Ate bangi bakozesa malala okulaga bebatereeza nti tukusinga.

Kye kiva kitugwanira okusaba Katonda bulijjo atuwe amagezi okusobola okuba ab'omugaso eri abakkiriza bonna.

**<u>Engero 18:19</u>** ***"Kyangu okuwamba ekibuga ekiriko bbugwe ow'amaanyi, okusinga okukomyawo owooluganda anyiize, era ennyombo ziba ng'empagi z'ekigo."***